# Gavt. eyimirizza entambula z'abava mu Congo olwa Ebola



Abagenda e Congo basinga kukozesa bbaasi. Mu katono ye Dr. Atwine.

Bya JOANITA NANGONZI ne MARGRET ZALWANGO

GAVUMENTI eyimirizza entambula y'olukale n'okusaabaza abantu abava mu Congo okuyingira Uganda n'tegeeza nti ebyamaguzi byokka bye birina okiyingira eggwanga.

Omuwandiisi ow'enkalakkalira owa minisitule y'ebyobulamu, Dr. Diana Atwine yagambye nti abantu abayingira Uganda bayimiriziddwa okumala wiiki nnya nga kikoleddwa okutangira abalina obulwadde bwa Ebola okuyingira Uganda.

Yakakasizza eggwanga nti mu Uganda temuli muntu yenna alina bulwadde bwa Ebola.

Gavumenti era yayimirizza emikolo gy'obuwangwa egikung'anya abantu abangi mu disitukiti z'e nsalo ssaako obutale bw'omubuulo n'erabula abantu mu disitukiti ezo obutagezaako kuziika muntu afudde nga tebategedde kimusse nga kino kiyinza okusaasaanya ekirwadde kino.

Atwine yagambye nti bagenda kwongera okulawuna obukubo obwenjawulo obukozesebwa abantu mu bumenyi bw'amateeka okuyingira Uganda nga bava e Congo era abeebyokwerinda baasazeeko dda obukubo obwo nga tewali muntu ajja kubukozesa sikulwa nga baleeta obulwadde mu ggwanga.

Yakubirizza abantu abakolera mu butale bwonna mu ggwanga naddala mu disitulikiti eziriraanye ensalo za Uganda ne Congo okuteekamu amaanyi okulwaynisa obulwadde okusaasaana nga bagoberera amateeka g'okunaaba mu ngalo ,obutekwatako, okukozesa sanitayiza awamu n'okuteekawo obuuma obukebera omusujja buli muntu ayingira obutale nga bino birina okukolebwa ne mu makanisa n'ebifo byonna ebikung'aniramu abantu.

Atwine yagambye nti amasomero gonna mu ggwanga gaakugenda maaso n'okuggulawo olusoma nga tebayinza kulemesa baana ba ggwanga kusoma ng'ate ekirwadde tekinnatuuka mu Uganda wabula n'asaba abagakulira okunyikiza ebigobererwa ebyabaweereddwa.

Disitukiti eziri ku bulabe bw'okukwatibwa ebola amangu kuliko Kiryadongo, Kyegwegwa, ISingiro, Kasese, Ntoroko, Bundibugyo, Kikube, Kamwenge, Kyegwegwa, Hoima, Buliisa, Wakiso, Kampala, Ramwo, Arua, Nebbi, Apac, Zombo, Koboko, Maracha, Yumbe, Madi Okolo ne Kanungu.